

Ekitabo Ekiyitibwa Mikka

- ¹ Mu mirembe Yuda gye yagenda efugibwa bakabaka bano: Yosamu, ne Akazi, ne Keezeekiya, Mikka eyali Omumolasuuti, yafuna obubaka obuva eri MUKAMA, obukwata ku kibuga Samaliya ne Yerusaalemi.
- ² Muwulire mmwe abantu mwenna,
 muwulire mmwe ebintu byonna ebiri mu
 nsi, ne bonna abagirimu,
 MUKAMA Ayinzabyonna asinziira mu yeekaalu ye
 entukuvu,
 ng'alina by'abalumiriza.
- ³ Mulabe, MUKAMA ajja ng'ava mu ggulu ku ntebe
 ye
 ng'akka ku nsi ng'atambulira ku nsozi wag-
 gulu.
- ⁴ N'ensozi zirisaanuuukira wansi w'ebigere bye
 era n'ebiwonvu ne byatika ne bisaanuuka
 ng'ebisenge by'emizindu by'enjuki ebyokeddwa
 omuliro,
 ng'amazzi g'ekiyiriro bwe gakulukuta ku
 lusizi nga gayirira ku bbangabanga.
- ⁵ Bino byonna biribeerawo olw'okwonoona kwa
 Yakobo,
 olw'ebibi by'ennyumba ya Isirayiri.
 Ekibi kya Yakobo kye kируwa?
 Si ye Samaliya?
 Kifo ki ekigulumivu ekya Yuda?
 Si Yerusaalemi?

6 “Noolwekyo nzija kubetenta Samaliya ngifuule
ebifunfugu,
kifuuke nga ennimiro ey'okusimbamu emiz-
abbibu.

Ndiyiwa amayinja gaakyo mu kiwonvu
N'emisingi gyakyo ne ngireka nga gyasamye.

7 Bakatonda baakyobonna be basinza, balisekul-
wasekulwa;
ebintu byonna ebyaweebwayo ng'ebirabo
mu yeekaalu biriggya omuliro;
ndizikiriza bakatonda baakyo bonna be
beekolera.

Ng'ebirabo ebyo bwe byafunibwa mu bwenzi,
bwe bityo bwe biritwalibwa mu bwenzi ne
bikozesebwa.”

Okukaaba n'Okukungubaga

8 Kyendiva nkaaba ne nkuba ebiwoobe,
ne ntambula nga sambadde ngatto, era nga
ndi bukunya.

Ndikaaba ng'ekibe,
ne nkuba ebiwoobe ng'abaana
b'ekiwiugulu.

9 Ekiwundu kye tekiwonyezeka,
ne Yuda ky'alwadde.
Kituukidde ddala ku mulyango gw'abantu
bange,
ne ku Yerusaalemi yennyini.

Omulabe Asemberera Yerusaalemi

10 Temukibuulira mu Gaasi,
temukaaba maziga n'akatono.

Mwevulungulire mu nfuufu
mu Besuleyafula.

- 11** Muyiteewo nga muli bwereere nga muswadde,
 mmwe ababeera mu Safiri.
 Ababeera mu Zanani
 tebalifuluma.
 Beswezeeri ekuba ebiwoobe,
 kubanga tokyalinayo buddukiro.
- 12** Abo ab'omu Malosi bali mu kulumwa
 okw'amaanyi
 nga balindirira okubeerwa,
 kubanga ekibonoobono kivudde eri MUKAMA,
 ne kituuka ne ku mulyango gwa
 Yerusaalemi.
- 13** Mwanguwe okusiba amagaali ku mbalaasi
 mmwe ababeera mu Lakisi.
 Mmwe nsibuko y'ekibi
 mu Bawala ba Sayuni,
 kubanga ebibi bya Isirayiri byasangibwa mu
 mmwe.
- 14** Noolwekyo muligabira Molesesu eky'e Gaasi
 ebirabo ebimusibula.
 Ebibuga by'e Akuzibu birikakasibwa nga bya
 bulimba
 eri bakabaka ba Isirayiri.
- 15** Mmwe abantu b'omu Malesa,
 ndibasindikira alibawangula n'abafuga.
 Oyo ekitiibwa kya Isirayiri
 alijja mu Adulamu.
- 16** Mukungubage, n'emite we mugimwe
 olw'abaana bammwe be mwesiimisa;
 mumwe enviiri zammwe nga mukungubaga,
 emitwe gyammwe gibe ng'egy'ensega,
 kubanga abaana bammwe balibaggyibwako
 ne batwalibwa mu buwanjjanguse.

2

- ¹ Zibasanze mmwe abateesa okukola ebitali bya
 butuukirivu
 era abateesa okukola ebibi nga bali ku buliri
 bwabwe;
 Obudde bwe bukya ne batuukiriza entegeka
 zaabwe,
 kubanga kiri mu nteekateeka yaabwe.
- ² Beegomba ebyalo ne babitwala,
 ne beegomba ennyumba nazo ne bazitwala.
 Banyigiriza omuntu ne batwala amaka ge
 olw'amaanyi,
 ne bamubbako ebyobusika bwe.
- ³ MUKAMA kyava agamba nti,
 "Laba, ndireeta akabi ku bantu abo,
 ke mutagenda kweggyamu.
 Temuliddayo kubeera n'amalala nate
 kubanga kiriba kiseera kya mitawaana.
- ⁴ Olwo abantu balikusekerera;
 Balikuyeeyereza nga bayimba oluyimba
 luno olw'okukungubaga nti:
 'Tugwereddewo ddala;
 ebintu by'abantu bange bigabanyizibb-
 wamu.
 MUKAMA anziggirako ddala ettaka lyange,
 n'aliwa abo abatulyamu enkwe.'"
- ⁵ Noolwekyo tewalisigalawo muntu n'omu mu
 kunjaaniro lya MUKAMA,
 aligabanyaamu ettaka ku bululu.
- ⁶ Bannabbi baabwe boogera nti, "Temuwa
 bunnabbi,
 Temuwa bunnabbi ku bintu ebyo;
 tewali kabi kagenda kututuukako."

- ⁷ Ekyo kye ky'okuddamu ggwe ennyumba ya
Yakobo?
Olowooza Omwoyo wa MUKAMA
asunguwalira bwereere, si lwa bulungi
bwo?
Ebigambo bye tebiba birungi eri abo abakola
obulungi?
- ⁸ Ennaku zino abantu bange bannyimukiddeko
ng'omulabe.
Basika ne bambula eminagiro emirungi
ne baggigya ku migongo gy'abayise ababa
beetambulira mu mirembe,
ng'abasajja abakomawo okuva mu
lutabaalo.
- ⁹ Bakazi b'abantu bange mubagoba
mu mayumba gaabwe amalungi,
abaana baabwe ne mubaggyirako ddala buli
mukisa
oguva eri Katonda.
- ¹⁰ Muyimuke mugende,
kubanga kino tekikyali kiwummulo
kyammwe;
olw'ebikolwa ebibi bye mukijuzza,
kyonoonese obutaddayo kuddaabirizika.
- ¹¹ Omuntu bw'ajja n'omwoyo ogw'obulimba,
n'agamba nti,
“Ka mbabuulire ku ssanyu ly'omwenge gwe
baagala era gwe banonya,”
oyo y'aba nnabbi w'abantu abo.
- ¹² “Ddala ddala ndibakunjaanya mwenna, ggwe
Yakobo;

ndikuŋjaanya abo abaasigalawo ku Isir-
ayiri.
 Ndibakuŋjaanya ng'akuŋjaanya endiga
 ez'omu ddundiro,
 ng'ekisibo mu ddundiro lyakyo,
 ekifo kirijjula abantu.
 13 Oyo aggulawo ekkubo alibakulembra okubag-
 nya mu buwaŋjanguse,
 abayise mu mulyango abafulumye.
 Era kabaka waabwe alibakulembra,
 MUKAMA alibakulembra."

3

Ekibi kya Isirayiri

¹ Ne ndyoka ŋnjamba nti,
 "Muwulire mmwe abakulembeze ba Yakobo,
 mmwe abafuzi b'ennyumba ya Isirayiri.
 Si mmwe mwandisaanidde okumanya
 obwenkanya,
² mmwe abakyawa ekirungi ne mwagala
 ekibi;
 mmwe ababaagako abantu bange eddiba
 ne mubaggyako ennyama ku magumba?
³ Mulya ennyama yaabwe,
 ne mubabaagako eddiba,
 amagumba gaabwe ne mugamenyaamenya,
 era ne mubasalaasala ng'ennyama
 eneefumbibwa mu nsaka."
⁴ Balikoowoola MUKAMA,
 naye talibaanukula.
 Mu biro ebyo alibakweka amaaso ge
 olw'ebibi bye bakoze.

- ⁵ Bw'atyo bw'ayogera MUKAMA nti,
 "Bannabbi ababuzaabuza abantu
 balangirira nti, 'Mirembe,' eri oyo abaliisa,
 naye oyo atabaliisa bamuggulako olutalo.
- ⁶ Noolwekyo ekiro kiribajjira, awatali kwole-
 sebwa,
 n'enzikiza ebajjire awatali kulagulwa.
 Enjuba erigwa nga bannabbi balaba,
 n'obudde bubazibire.
- ⁷ Abalabi baliswazibwa
 n'abalaguzi bakwatibwe ensonyi.
 Bonna balibikka amaaso gaabwe
 kubanga Katonda tabaanukula."
- ⁸ Naye nze, nzijjudde amaanyi
 n'Omwoyo wa MUKAMA,
 okwekaliriza ensonga n'obuvumu,
 njasanguze eri Yakobo olw'ebikolwa bye ebibi
 by'akola,
 olw'ekibi kya Isirayiri.
- ⁹ Mumpulirize mmwe abakulembeze
 b'ennyumba ya Yakobo,
 Mmwe abafuzi b'ennyumba ya Isirayiri,
 Mmwe abanyooma obwenkanya
 Ne mukyusa ekituufu ne mukifuula
 ekikyamu;
- ¹⁰ mmwe abazimbidde Sayuuni ku musaayi,
 Ne Yerusaalemi ne mugizimbira ku butali
 butuukirivu.
- ¹¹ Abakulembeze be, balya enguzi ne basala
 omusango nga beekubiira,

bakabona be, baggya ensimbi ku bantu ba-
lyoke bayigirize,
ne bannabbi be, baagala okuwa obunnabbi
nga bamaze kusasulwa.

Kyokka bajuliza MUKAMA nga boogera nti,
“MUKAMA tali naffe?
Tewali kinaatutuukako.”

¹² Noolwekyo ku lwammwe,
Sayuuni eririmibwa ng'ennimiro,
ne Yerusaalemi erifuuka ntuumu ya bifunfugu,
n'akasozi okuli yeekaalu kafuuke ng'akabira
akakutte.

4

Obufuzi bwa MUKAMA eri Amawanga Gonna

¹ Mu nnaku ez'oluvannyuma
olusozi lw'ennyumba ya MUKAMA luligulu-
mizibwa
okusinga ensozi zonna;
lulisitulibwa waggulu okusukkuluma ku busozi,
era abantu balisimba ennyiriri nga balaga
gye luli.

² Amawanga mangi galiragayo ne googera nti,
“Mujje twambuke ku lusozi lwa MUKAMA,
mu nnyumba ya Katonda wa Yakobo.

Alituyigiriza by'ayagala
tulyoke tutambulire mu makubo ge.”

Alisinziira mu Sayuuni okuwa abantu etteeka
lye,
n'ekigambo kya MUKAMA kiriva mu
Yerusaalemi.

³ Aliramula amawanga

- atereeze ensonga wakati w'amawanga
gakirimaanyi ag'ewala.
- Baliddira ebitala byabwe ne babiweesaamu
enkumbi,
n'amatfumu gaabwe ne bagaweesaamu ebi-
wabyo.
- Eggwanga teririymusa kitala ku ggwanga lin-
naalyo,
so tebalyetegeka kulwana ntalo nate.
- ⁴ Buli muttu aliba mu ddembe wansi
w'omuzabbibu gwe
ne mu mutiini gwe.
- Tewalibaawo abatiisa
kubanga akamwa ka MUKAMA Ayinzabyonna
ke kakyogedde.
- ⁵ Newaakubadde nga amawanga gonna
galigoberera bakatonda baago,
naye ffe tunaatambuliranga mu linnya lya
MUKAMA
Katonda waffe emirembe n'emirembe.
- Isirayiri Ewona Obusibe*
- ⁶ "Ku lunaku olwo," bw'ayogera MUKAMA,
"Ndikuunjaanya abalema,
n'abo abaawaanjangusibwa
n'abo abali mu nnaku.
- ⁷ Abalema ndibafuula abalonde,
n'abo be nagoba, mbafuule eggwanga
ery'amaanyi.
- MUKAMA alibafugira mu Lusozi Sayuuni
okuva ku lunaku olwo okutuusa emirembe
gyonna.
- ⁸ Ggwe omunaala oguyimirirwamu okulabirira
endiga,

ggwe ekigo eky'amaanyi ekya Muwala wa
 Sayuuni,
 ekitiibwa kyo eky'edda kirikuddira,
 n'obwakabaka ne bukomawo eri Muwala
 wa Sayuuni."

9 Naye kaakano kiki ekibakaabya ennyo bwe
 mutyo?

Temulina kabaka abakulembera?
 Omuwi w'amagezi wammwe yafa,
 ennaku eryoke ebakwate ng'omukazi
 alumwa okuzaala?

10 Lumwa, weenyoole ggwe Omuwala wa Sayu-
 uni
 ng'omukazi alumwa okuzaala.

Kubanga kaakano oteekwa okuva mu kibuga
 ogende obeere ku ttale.

Mulitwalibwa mu buwaŋjanguse mu Babu-
 looni,

era eyo gye ndibalokolera.

Ndibanunulira eyo
 okuva mu mukono gw'omulabe.

11 Kyokka kaakano amawanga mangi
 gakuŋjaanye okubalwanyisa.

Boogera nti, Ayonoonebwe,
 n'amaaso gaffe geelolere Sayuuni.

12 Naye tebamanyi
 birowoozo bya MUKAMA;
 tebategeera kuteesa kwe;
 oyo akuŋjaanya abalabe be ng'ebinywa
 by'eŋjaano bwe bikuŋjaanyizibwa mu
 gguuliro.

13 “Golokoka otandike okusa ggwe Omuwala wa
 Sayuuni,
 kubanga ejjembe lyo ndirifuula ekyuma;
 ndikuwa ebigere eby'ekyuma eky'ekikomo
 era olibetenta amawanga mangi.”

Amagoba gaabwe n'ebintu byabwe bye bafunye
 mu makubo amakyamu olibiwaayo eri
 MUKAMA,
 n'obugagga bwabwe n'obuwaayo eri
 Mukama w'ensi zonna.

5

Omufuzi Ava mu Besirekemu

1 Kunjñaanya amaggye go, ggwe ekibuga ekirina
 amaggye,
 kubanga tulumbiddwa.

Omukulembeze wa Isirayiri
 balimukuba omuggo ku luba.

2 “Naye ggwe Besirekemu Efulasa,
 newaakubadde ng'oli mutono mu bika bya
 Yuda,
 mu ggwe mwe muliva alibeera
 omufuzi wange mu Isirayiri.
 Oyo yaliwo okuva edda n'edda,
 ng'ensi tennabaawo.”

3 MUKAMA kyaliva awaayo Isirayiri eri abalabe
 baayo
 okutuusa omukyala alumwa okuzaala lwal-
 izaala omwana,

era baganda be abaasigalawo ne balyoka bako-
 mawo
 eri bannaabwe mu Isirayiri.

⁴ Aliyimirira n'anyweera n'aliisa ekisibo kye
 mu maanyi ga MUKAMA,
 mu kitibwa ky'erinnya lya MUKAMA Ka-
 tonda we.

Era abantu be tebalibaako abateganya, kubanga
 aliba mukulu
 okutuusa ku nkomerero y'ensi.

⁵ Omukulu oyo aliba mirembe gyabwe.

Omwasuli bw'alirumba ensi yaffe
 n'abuna ebigo byaffe,
 tulimuyimbulira abasumba musanvu,
 n'abakulembeze munaana.

⁶ Abo be balifuga ensi ya Asuli n'ekitala
 era ensi ya Nimuloodi nayo bagyonoone.

Naye alitulokola eri Omwasuli
 bw'alitulumba mu nsi yaffe
 era bw'aliyingira mu nsalo zaffe.

⁷ Abantu ba Isirayiri abalisigalawo balibeera
 wakati mu mawanga agabeetoolodde,
 babe ng'omusulo oguva eri MUKAMA,
 ng'obukubakuba obuttonnyeredde ku
 muddo
 obutalindirira muntu
 oba abaana b'abantu.

⁸ Ng'empologoma bw'ebeera n'ensolo endala
 ez'omu nsiko,
 abantu abaasigalawo aba Yakobo balibeera
 mu mawanga mangi agabeetoolodde;

ate era ng'empologoma ento mu bisibo
 by'endiga,
 bw'egenda n'eyitamu n'etaagulataagula
 ne wataba n'omu aziwonya.

⁹ Omukono gwo guliwangula abalabe bo,
 ne bonna abakuyigganya balizikirizibwa.

¹⁰ “Ku lunaku olwo,” bw'ayogera MUKAMA,
 “Ndizikiriza embalaasi zo
 ne nsanyaawo n'amagaali go.

¹¹ Ndizikiriza ebibuga eby'omu nsi yo
 era mmenyemenye n'ebigo byo byonna.

¹² Obulogo bwo ndibumalawo
 era toliddayo kukolima nate.

¹³ N'ebibumbe bye musinza ndibizikiriza.
 Ne nziggyawo n'amayinja ge mwawonga;
 temuliddayo nate kuvuunamira bakatonda
 be mwekoledde n'emikono gyammwe.

¹⁴ Era ndisigula Baasera okuva mu mmwe,
 ebibuga byammwe n'embizikiriza.

¹⁵ Era ndyesasuza ku mawanga agataŋjondedde
 n'obusungu n'ekiruyi.”

6

¹ Muwulire MUKAMA by'ayogera ng'agamba
 nti,
 “Muyimuke leero tuwoze ensonga zammwe mu
 maaso g'ensozi,
 n'obusozi buwulire bye mugamba.

² “Kaakano mmwe ensozi muwulire MUKAMA
 ky'abavunaana;
 nammwe emisingi gy'ensi egy'olubeerera
 muwulire.

MUKAMA alina ensonga ku bantu be
era agenda kuwawabira Isirayiri.

3 “Mmwe abantu bange kiki kye nnali mbakoze?
Nnali mbazitooweredde? Munziremu.

4 Nabaggya mu nsi ye Misiri
ne mbanunula mu nsi ey'obuddu,

ne mbawa Musa,
ne Alooni ne Miryamu okubakulembra.

5 Mmwe abantu bange mujukire
ekigendererwa kya Balaki kabaka wa
Mowaabu
n'ebigambo, Balamu omwana wa Byoli bye
yayogera.

Mujukire bye nabakolera okuva e Sittimu oku-
tuuka e Girugaali
mulyoke mumanye ebikolwa bya MUKAMA
eby'obutuukirivu.”

6 Mwebuuza nti kiki kye nnaaleeta mu maaso ga
MUKAMA
nvuuname mu maaso ga Katonda agulumiz-
ibwa?

Mmuseemberere n'ebiweebwayo ebyokebwa,
n'ennyana ezaakamala omwaka ogumu?

7 MUKAMA alisiima endiga eza sseddume
olukumi,
oba emitwalo gy'emigga gy'amafuta?

Mpeeyo omwana wange omuberebery'e
olw'ebibi byange,
nga mpaayo ekibala ky'omubiri gwange
olw'ekibi eky'emmeeme yange?

8 MUKAMA akulaze, ggwe omuntu, ekirungi
ky'oteekwa okukola.

Kaakano, MUKAMA kiki ky'akwetaaza,
 okuggyako okukola eby'ensonga, okuba n'ekisa
 era n'okutambulira mu buwombeefu ne Ka-
 tonda wo.

⁹ Wuliriza, MUKAMA akoowoola ekibuga mu ddo-
 boozi ery'omwanguka.

"Kya magezi ddala okutya erinnya lye,
 n'okussaayo omwoyo eri okukangavvula
 n'eri oyo akangavvula.

¹⁰ Nnyinza okwerabira eby'obugagga bye mwe-
 funira,

mmwe ennyumba erina obutali butuukirivu,
 erina n'ekigera ekitatuuka eky'omuzizo?

¹¹ Nnyinza okusonyiwa omuntu alina ebigera
 ebitatuuse,
 alina ensawo ez'ebipimo eby'obulimba?

¹² Abagagga baakyo bakambwe
 n'abatuuze baamu balimba
 n'ennimi zaabwe tezoogera mazima.

¹³ Nange kyenvudde ntandika okukuzikiriza,
 nkumalewo olw'ebibi byo.

¹⁴ Onoolyanga, naye n'otokutta,
 era olubuto lwo lulisigala lutokota nga
 lukubanja.

Oligezaako okukunjaanya, weeterekere, naye
 tolibaako na kimu ky'otereka
 kubanga byonna ndibiwaayo eri ekitala.

¹⁵ Olisiga naye tolikungula,
 oligenzaako okusogola emizeeyituuni weg-
 gyiremu amafuta naye tolifuna mafuta
 gamala kusaabako,

olisogola emizabbibu naye toliggyamu kyakunywa.

- ¹⁶ Olw'okuba ng'okolera ku biragiro bya Omuli n'ogoberera n'ebikolwa byonna eby'ennyumba ya Akabu n'ogoberera n'emizizo gyabwe, kyendiva nkufuula ekifulukwa, n'abantu bo bona babeere eky'okuduulirwa era olibaako ekivume ky'amawanga."

7

- ¹ Ddala zinsanze nze.

Ndi ng'omuntu akungula ebibala okuva mu bifo eby'enjawulo eby'ennimiro y'emizabbibu;

tewali kirimba kya mizabbibu kulyako, wadde emizeeyituuni egisooka okwengera gye njagala ennyo.

- ² Abantu abatya Katonda, baweddewo mu nsi; tewali n'omu mulongoofu asigaddewo.

Bonna banoonya okuyiwa omusaayi, buli omu anoonya okutega muganda we ekitimba.

- ³ Emikono gyabwe gyombi mikugu mu kukola ebibi; omufuzi asaba ebirabo, n'omulamuzi alya enguzi, n'ab'amaanyi mu nsi, beekolera kye baagala nga basala enkwe.

- ⁴ Mu abo bona asingamu obulungi, afaanana ng'omweramannyo;

- asingamu ku mazima y'asinga olukomera
 lw'amaggwa obubi.
- Naye olunaku lw'abakuumi bammwe lutuuse,
 era kino kye kiseera eky'okutabukatabuka.
- ⁵ Tewesiga muntu n'omu,
 wadde mukwano gwo,
 newaakubadde mukazi wo,
 Weegendereze by'oyogera.
- ⁶ Kubanga omulenzi agaya kitaawe,
 n'omwana alwanyisa nnyina,
 muka mwana n'alwanyisa nnyazaala we.
 Abalabe b'omuntu, bantu be, ab'omu nju ye
 bennyini.
- ⁷ Naye nze nnindirira MUKAMA nga nnina essu-
 ubi,
 nnindirira Katonda Omulokozi wange;
 Katonda wange anampulira.
- ⁸ Tonjeeyereza ggwe omulabe wange,
 kubanga wadde ngudde, nnaayimuka.
 Ne bwe naatuula mu kizikiza,
 MUKAMA anaabeera ekitangaala kyange.
- ⁹ Nnaagumikirizanga MUKAMA bw'anaabanga
 ambonereza,
 kubanga nnyonoonye mu maaso ge,
 okutuusa lw'alimpolereza,
 n'anziza buggya.
 Alindeeta mu kitangaala,
 era ndiraba obutuukirivu bwe.
- ¹⁰ Olwo omulabe wange alikiraba,
 n'aswala,
 oyo eyanjeeyerezanga ng'agamba nti,

“Ali ludda wa MUKAMA Katonda wo?”
 Ndisanyuka ng’agudde,
 era alirinnyirirwa ng’ebitoomi eby’omu
 nguudo.

- 11** Olunaku olw’okuzimba bbugwe wo lulituuka,
 olunaku olw’okugaziya ensalo yo.
- 12** Mu biro ebyo abantu balijja gy’oli
 nga bava mu Bwasuli ne mu bibuga by’e
 Misiri,
 n’okuva e Misiri okutuuka ku mugga Fulaati,
 n’okuva ku nnyanja emu okutuuka ku
 nnyanja endala,
 n’okuva ku lusozi olumu okutuuka ku lusozi
 olulala.
- 13** Ensi erifuuka matongo,
 olw’ebikolwa by’abantu abagibeeramu.

Okusaba n’Okutendereza

- 14** Lunda abantu bo n’omuggo gwo,
 ekisibo kye weeroboza,
 ababeera bokka mu kibira
 mu malundiro amagimu.
 Baleke baliire mu Basani ne Gireyaadi, nga mu
 biseera eby’edda.
- 15** Nga bwe kyali mu nnaku ze mwaviiramu mu
 Misiri,
 nzija kubalaga ebikulu eby’ekitalo.
- 16** Amawanga galikiraba ne gakwatibwa ensonyi,
 ne gamalibwamu amaanyi.
 Abantu baago balikwata ku mimwa gyabwe
 n’amatu gaabwe ne gaziba.

17 Balirya enfuuufu ng'omusota,
ng'ebisolo ebyewalula.

Balifuluma obunnya bwabwe nga bakankana
ne bakyuka okudda eri MUKAMA Katonda
waffe, ne babatya.

18 Katonda ki omulala ali nga ggwe,
asonyiwa ekibi era n'asonyiwa ebyonoono
byabo
abaasigalawo ku bantu be?

Obusungu bwe tebubeerera emirembe gyonna,
naye asanyukira okusaasira.

19 Alikyuka n'atukwatirwa ekisa nate; alirin-
nyirira ebibi byaffe,
n'asuula ebyonoono byaffe byonna mu buz-
iba bw'ennyanja.

20 Olikola eby'amazima bye wasuubiza Yakobo,
n'ebiekisa bye wasuubiza Ibulayimu,
nga bwe weeyama eri bajjajjaffe
okuva mu nnaku ez'edda.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™

Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553